

## Ebbaluwa ya Pawulo Omutukuvu eri **Firemooni**

<sup>1</sup> Pawulo, omusibe wa Kristo Yesu, n'wooluganda Timoseewo, tuwandiikira ggwe Firemoon, mukozi munnaffe omwagalwa, <sup>2</sup> ne Apofiya mwannyinaffe, ne Alukipo mulwanyi munnaffe, n'Ekkanisa yonna ekuñjaanira mu nnyumba yo.

<sup>3</sup> Ekisa n'emirembe ebiva eri Katonda Kitaffe ne Mukama waffe Yesu Kristo bibeerenga nammwe.

### *Okusaba n'Okwebaza*

<sup>4</sup> Bulijo bwe mba nga nkusabira neebaza Katonda, <sup>5</sup> kubanga buli kiseera mpulira nga bw'olina okwagala n'okukkiriza eri Mukama waffe Yesu n'eri abatukuvu bonna. <sup>6</sup> Nsaba nti nga bw'ogenda otegeeza abantu okukkiriza kwo, nabo kubanyweze mu bulamu bwabwe, nga bategeerera ddala ebirungi byonna ebiri mu ffe ku bwa Kristo. <sup>7</sup> Nsanyuka nnyo era ne nziramu amaanyi olw'okwagala kwo, kubanga emitima gy'abatukuvu giziddwa buggyaa ku lulwo owooluganda.

### *Pawulo Yeegayiririra Onesimo*

<sup>8</sup> Noolwekyo newaakubadde era, nga nnina obuvumu mu Kristo, nga nandisobodde okukulagira okukola ekyo ky'osaanira okukola, <sup>9</sup> naye okwagala kwange gy'oli kumpaliriza okukusaba obusabi, nze, Pawulo, kaakano akaddiye, era ali mu kkomera olwa Kristo Yesu; <sup>10</sup> nkwegayirira ku bikwata ku mwana wange Onesimo gwe nayamba okukkiriza Mukama waffe nga ndi mu njegere, mu busibe, <sup>11</sup> Onesimo oyo, gye buvuddeko ataali wa mugaso gy'oli, naye kaakano nga wa mugaso nnyo gye tuli ffembi, <sup>12</sup> gwe naaweeereza gy'oli nga n'omutima gwange gujjirako, <sup>13</sup> oyo gwe nandyagadde okwesigaliza, ampeereze nga ndi mu busibe olw'enjiri, mu kifo kyo mwe wandibadde onnyambira, <sup>14</sup> naye ne saagala kukikola nga tonzikirizza. Saagala okole eky'ekisa olwokubanga oteekwa, wabula kikole lwa kweyagalira. <sup>15</sup> Kiyinzika okuba nga Onesimo yakwawukanako okumala akaseera, oluvannyuma alyoke abeere naawe ebbanga lyonna, <sup>16</sup> nga takyali muddu buddu, naye ng'asingako awo, ng'afuuse owooluganda omwagalwa ennyo, na ddala gye ndi. Kaakano ajja kubeera wa mugaso nnyo gy'oli mu mubiri ne mu Mukama waffe.

<sup>17</sup> Obanga ddala ndi munno, mwanirize mu ngeri y'emu nga bwe wandinnyanirizza singa nze mbadde nzize. <sup>18</sup> Obanga waliwo ekintu ekibi kye yakukola, oba ekintu ky'omubanja, kimbalirweko. <sup>19</sup> Kino nkiwandiika mu mukono gwange nze, Pawulo, nti ndikusasula. Sijja kukugamba nti olina ebbanja lyange. <sup>20</sup> Munnange owooluganda,

nkolera ekikolwa kino ekiraga okwagala, omutima gwange guddemu amaanyi mu Kristo. <sup>21</sup> Nkuwandiikkidde ebbaluwa eno nga neesigira ddala nga kye nkusaba ojja kukikola n'okusingawo! <sup>22</sup> Nninayo n'ekirala kye nkusaba; nkusaba ontegekere we ndisula, kubanga nnina essuubi, nga Katonda okusaba kwammwe ajja kukuddamu anzikirize nkomewo gye muli.

### *Okusiibula*

<sup>23</sup> Epafula, musibe munnange olw'okubuulira Enjiri ya Kristo Yesu, abalamusizza.

<sup>24</sup> Ne bakozi bannange bano: Makko, ne Alisutaluuko, ne Dema, ne Lukka nabo babala-musizza.

<sup>25</sup> Ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo kibeerenga n'omwoyo gwammwe.

**Biblica® Bayibuli Entukuvu, Endagaano  
Enkadde n'Endagaano Empya ekwatiddwa  
ku katambi™**

**Ganda: Biblica® Bayibuli Entukuvu, Endagaano  
Enkadde n'Endagaano Empya ekwatiddwa ku  
katambi™ (Bible) of Uganda**

copyright © 2017 Biblica, Inc.

Language: Luganda

Contributor: Biblica, Inc.

This work is made available under the Creative Commons Attribution-ShareAlike 4.0 International License (CC BY-SA). To view a copy of this license, visit <http://creativecommons.org/licenses/by-sa/4.0> or send a letter to Creative Commons, PO Box 1866, Mountain View, CA 94042, USA.

Biblica® is a trademark registered by Biblica, Inc., and use of the Biblica® trademark requires the written permission of Biblica, Inc. Under the terms of the CC BY-SA license, you may copy and redistribute this unmodified work as long as you keep the Biblica® trademark intact. If you modify a copy or translate this work, thereby creating a derivative work, you must remove the Biblica® trademark. On the derivative work, you must indicate what changes you have made and attribute the work as follows: "The original work by Biblica, Inc. is available for free at [www.biblica.com](http://www.biblica.com) and [open.bible](http://open.bible)."

Notice of copyright must appear on the title or copyright page of the work as follows:

**Biblica® Open Akuapem Twi Contemporary Bible™**

Copyright © 1996, 2020 by Biblica, Inc.

"Biblica" is a trademark registered in the United States Patent and Trademark Office by Biblica, Inc. Used with permission.

You must also make your derivative work available under the same license (CC BY-SA).

If you would like to notify Biblica, Inc. regarding your translation of this work, please contact us at <https://open.bible/contact-us>.

This translation is made available to you under the terms of the Creative Commons Attribution Share-Alike license 4.0.

You have permission to share and redistribute this Bible translation in

any format and to make reasonable revisions and adaptations of this translation, provided that:

You include the above copyright and source information.

If you make any changes to the text, you must indicate that you did so in a way that makes it clear that the original licensor is not necessarily endorsing your changes.

If you redistribute this text, you must distribute your contributions under the same license as the original.

Pictures included with Scriptures and other documents on this site are licensed just for use with those Scriptures and documents. For other uses, please contact the respective copyright owners.

Note that in addition to the rules above, revising and adapting God's Word involves a great responsibility to be true to God's Word. See Revelation 22:18-19.

2021-12-30

---

PDF generated using Haiola and XeLaTeX on 21 Feb 2024 from source files dated 16 Nov 2021

b8f803ca-b3a3-5d67-9825-04daa3956553